ABAEBULANIYA ESSULA 10

Essula eno etukubiriza okussa essira kukuwebwaayo kw'omubiri gwa Yesu Kristu nga saddaaka ey'omulundi ogumu era emala mubyona kulwaffe. Era tusanga munyiriri zino okuyitibwa okutangaavu okw'okugumikiriza mu kukiriza kwaffe n'obwesige mu Katonda. Waliwo okulabula okwamaanyi eri ekibi naye ate era tuzibwaamu amaanyi naabo abalemeddeko mukugumikiza newankubadde nga ebizibu ebibasoomoza bibadde bingi ddala.

Etteeka lyaali telimala

Etteeka lilambika empisa Katonda z'atuteekera okutambulilamu era nga kyaali kyetagisa ssaddaaka okuwebwaayo nga akabonero ak'okwenenya era nga kinno kituletera okutegeera nti ekibi yali nsonga. Naye kino kyaali tekigenda kubeera kyakuddamu kyalubeerera. Eno yensonga lwaki kyaali kigwaanira Kristo okujja ayiwe omusaayi gwe walyoke waberewo ekyokuddamu ekyolubeerera eri ebibi byaffe.Ssadaaka ezoluberera ezitakoma zaali zeetagisa kubanga bulijjo twongera okwoonona naye Katonda yali yateekateka ssadaaka esinga obukulu muzona eyali elina okulabikira mu Yesu Kristo mukama waffe.

Okujja kwa Kristo munsi

Okujja kwa Kristo kwali kwakuba ssaddaaka ddala naye yali ateekwa okuwaayo omubiri gwe ku musalaba.Enyiriri olw'okutaano okutuusa kulw'ekumi zitulaga nti omulimu ogusooka Yesu gwe yalina kwekugondeera okwaagala kwa Katonda.Okugonda okuva mumutima kwe kusanyusiza ddala Katonda. Kristo yali yeetaaga okujja ng'omuntu okulaga nti bwaba mumubiri asobolela ddala okuwangula buli kikemo n'ekibi.Okuyita mukugonda kwa Kristo obujeemu bwaffe buwangulwa.

Kristo kabona waffe asinga

Yesu yatuula wansi ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda bweyamala okweewayo nga ssaddaaka etukiridde kulwebibi byaffe. Alindiridde ekiseera eky'okusala omusango ogwenkomerero awo,kubigerebye buli kyetaago wekirivunamira era ne kimwattula nga mukama waffe. Omwoyo omutukuvu aliza bugya emitima gy'abo abeenenya era nebakiriza Kristo.Kino kitegeeza nti twazaalibwa omulundi ogw'okubiri era nti Katonda kyatwetaaza ssikyakungulu gyetuli naye nga kiwandikiddwa ddala mumitima era nemubulamu bwaffe. Bwe twetwalira Kristo waba tewakyaliwo ssadaaka yakibi ndala eyetagisa.

Okusemberera Katonda

Tusobolera ddala okuyingira awatukuvu wa Katonda okuyita mu musaayi gwa Yesu. Tuli mu kiffo kirungi ddala bwe twegerageranya kw'abo ab'omu ndagaano enkadde.Yesu attaddewo ekubo eddamu tusobole okumanya okubeerawokwa Katonda awatali kutya. Endowooza zaffe tetuzinenya nga twesalira omusaango era tulina essuubi eriteeganika.

Okwezaamu amaanyi

Nga abantu tusobola okusembera okumpi kulw'okuffa kwa Kristo era tuteekwa okuzzaamu abalala amaanyi okuseemberera Katonda.Obulamu bwaffe obw'ekikrisitaayo tebusibiddwa mu bulombolombo na biragiro naye nga tunyumirwa eddembe ery'okubeera abalamu mukubeerawo kwe. Eno yensonga lwaki kitwetagisa okukungaana buli omu okuwagira mune mukuwereza Katonda era n'okwetegekera ebiro lwalidda.

Okumanya omusango.

Nga tumaze okufuna Kristo tutekwa okubeera abegendereza enyo okutambulira mu bulamu obutukuvu. Tulaba mubyawandikibwa nti Katonda waffe ye Katonda ow'ekiruyi n'omusango,nolwekyo tuteekwa okukwaata n'obwegendereza obulokozi obw'amaanyi obwo Yesu Kristo bwatuwangulidde. Katonda alisalira abantu be omusango. Katonda atwagala era amanyi obunaffu bwaffe naye bwetukuba amabega era netunyooma omulimu gwa Kristo ogwobulokozi kitusa mukiffo ekibi ddala nga kyamutawaana nnyo.

Okulemerako mu kubonabona

Omuwandiisi w'Abaebulaniya asiima abo abayimiridde nga banywevu newankubadde nga babadde bayiganyizibwa wakati muntalo n'okuvumibwa. Asiima n'abo bona abasa omuwendo mu Katonda so ssi mu bugagga bwabwe era ajjukiza abakkiriza nti Katonda lubeerera atuukiriza ebisubizo bye. Alabula abo abadda emabega era naddingana ebigambo bya Kristo mu Lukka 9:62 Yesu weyayogera nti tewali muntu akwaata ekyuma ekirima n'atunula ennyuma asaanira obwakabaka bwa Katonda. Yesu mweene y'asinga okutuzzaamu amaanyi,teyawanika ye era teyatunula mabega bwaatyo n'agenda ku musalaba kulwaffe.

Ensonga ez'okulowoozaako

1. Tugezaako okwongera kwekyo Kristo kyeyakola okuleetawo okusonyiyibwa? Tetulina kyetuyinza kukola okufuna okuganja kwa Katonda.
2. Tulina okunyumirwa okubeerawo kwa Katonda. Tussaayo akadde okusemberera Katonda netuba n'akaseera akalungi naye?
3. Muwendo ki gwetussa mukukungaana awamu ng'abantu ba Katonda?
4. Bulijjo tetufaayo era netutwaala obulokozi bwaffe ng'ekyokusaaga?
5. Tufaayo okukilowooza nti tuba nendowooza ezirinyirira omwaana wa Katonda wansi w'ebigere byaffe?
6. Tuba mubulabe bwetulekayo okutambula ng'aba Kristaayo oba tusalawo okugumikiriza?

Mukama Abawe Omukisa
Nze Richard ne Elaine Brunton